

OKWETEGEKERA OKUBATIZIBWA

EBIRI MUKATABO MUNO

Olupapula

1. Enyanjula	No.
2. Okulabula	No.
3. Baibuli	No.
4. Katonda	No.
5. Omuntu	No.
6. Omuntu	No.
7. Magombe	No.
8. Yesu - Omulokozi	No.
9. Yesu - Omulokozi	No.
10. Yesu Kristo Okuzukira	No.
11. Yesu Kristo Okugenda Muggulu	No.
12. Yesu Kristo Okudda Kunsi	No.
13. Yesu Kristo No Bwakabaka Obugenda Okujja	No.
14. Obwakabaka Bwa Katonda	No.
15. Enjiri	No.
16. Okuzukira, Okusala Omusango Nobulamu Obutagwawo	No.
17. Mwoyo Mutukuvu	No.
18. Bamalaika	No.
19. Ekibi Setaani Nomulyolyomi	No.
20. Omulyolyomi Ne'MwoyoEmibi	No.
21. Ekubbo Lyobulamu Obutagwawo	No.
22. Okubatizibwa	No.
23. Obulamu Bwomukurisitayo	No.

ENYANJULA

Ekkubo lyoka ely'okufuuka omukuristayo mwe'enyini olina okukiriza era nobatizibwa mu Kristo (Bag 3:27). Naye nga tonabatizibwa olina okusoma baibuli nogitegeera n'olyoka okiriza (Bik 8:12). Akatabo kano kakuyamba okugiyiga.

Enkozesza ya katabo kano

- a) Toyanguyiriza kwetegekera kubatizibwa. Abantu bangi kibagwanira okusoma Baibuli emyaka nga ebiri oba gumu okugitegeera, balyoka babatizibwa. Bwoba nga omaze okusoma Baibuli akaseera, kikuberera kyangu okuyita mukatabo kano.
- b) Fuba nyo mukweyigiriza Baibuli. Kikugwanira okwewayo, kubanga ekirabo ky'obulamu obutagwawo kinene. Kikugwanira okuwayo esaawa emu buli lunaku okusoma Baibuli nokulowoza kubyosomye.
- c) Twala ekibuzo kimu kimu. Soma ekibuzo era no kuddibwamu kwakyo. Soma endagiriro ya Baibuli mukuddibwamu. Bwolaba nga obitegedde, kale oyinza okugenda kukibuzo ekirala.
- d) Oba olyawo oyinza obutategeera ndagiriro ya Baibuli, oba okukanya no kuddibwamu okukuwereddwa mu Baibuli. Bwekiba bwekityo, buuza kumusomesawo mwetegefu okukuyamba.
- e) Bwekiba kyetagisa soma Baibuli ne bano kubanga kyamugaso okusoma ne bano kiyambako omu bwatategeera omulala amuyamba okumulungamya.
- f) Era okuyambibwa okuyita mukatabo kano kikwetagisa okusoma esuula nga satu mu Baibuli buli lunaku. Engeri yokka enuungi eyoku kola kino waliwo akatabo akayitibwa *The Bible Companion*. Oyinza okukafuna mumakunganiro ga ba Christadelphians.

ABOLUGANDA MUKURISITO

OKULABULA

Tekikwetagisa kukwata ebyokudamu nga kikwate. Ekikulu kira kujukira bubaka obuli mukatabo, era n'ebyo byewayiga okuva mukatabo muno. Bw'olaba nga kikwetagisa okukwata ng'ekikwate kale kola bwotyo. Naye kikwetagisa okutegeera n'okubikierza ebyo byoyize. Katonda ayagala abakiriza. Sabo abenanya nebadamu n'ebakola ebwabwe. Nga tonaba kubatizibwa muba Christadelphian, balina okukubuzamu kubibuzzo balabe nga ddala ddala obikiriza era obitegera ebigambo bwewasoma. Obubuuzzo buno tebubera ngabwo obuli mukatabo kano. Oyinza okukalubirizibwa okuddamu singa tosaayo mwoyo kubyoyiga. Kale eri abo abaagala okukwata ng'ekikwate olina okulaba nga wekakasa munsomesa ya katabo kano.

1. BAIBULI

1.1 BAIBULI KYEKI?

Okudamu: Tewali kitabo kyonna kyonna kunsie kifanana nga Baibuli olwabino:

- a) Kye kitabo kyokka ekitubulira kumagezi ga Katonda, ku Mukama waffe Yesu Kristo ne'byobulokozi. Soma Beb 1:1-2; Zab 138: 2; 2 Tim 3:16; Zab 119:160.
- b) Kyawandikiibwa abassajja nga balugamizibwa omwoyo wa Katonda. Soma 2 Peet 1:21; 1 Peet 1:11; Beb1:1-2.
- c) Baibuli essubiza obulamu obutagwawo eri buli akiriza nakola byesomesa. Soma Yok 17:3; Bar 2:7; 2 Peet 1:11.

1.2 TUTEGEERA TUTYA OBUBAKA OBULI MU BAIBULI?

- a) *Okudamu:* okutegeera era n'okukiriza biri mu Baibuli. Kikwetagisa okugisoma buli lunaku nga tewerabidde kusooka kusaba. Tulyoke tufune emikisa gya Katonda. Soma 1 Tim 4:13; Zab 199:103-105; Yer 15:16; Yer 9:24.
- b) Baibuli y'enyonnyolako y'enyini kubanga enyiriri ezimu zikuyamba okutegera enyiriri endala. Soma Luk 24:25; 1 Kol 2:13.

2. KATONDA

- a) Baibuli eyigiriza etya ku Katonda?

Okudamu: Ye Katonda yekka. Soma Is 44:8; Is 45:5; Kuv 20:3; Bet 4:6.

- b) Katonda mwoyo. Soma Yok 4:24.

- c) Katonda y'eyatonda byonna. Soma Lub 1:1; Is 45:18.

- d) Katonda yafuga byonna era amanyi byonna, era amanyi n'ebi lowoozo byaffe. Soma Is 45:7; Zab 139:1-12.

- e) Katonda ali omu si basatu. Soma Ma 6:4; 1 Kol 8:6 ; Mal 2:10; Mak 12:29.

- f) Katonda mutukirivu era wa mazima. Soma Kuv 15:11; Is 6:3; Zab 19:9.

- g) Katonda wakisa era ajudde okusasira. Soma Kuv 34:6; Bar 2:4; Zab 103:8-14.

- h) Katonda asala emisango era abonereza. Soma Ma 32:4; Zab 145:20; Bar 1:18.

- i) Katonda alina entegeka y'ensi n'eriffe abantu. Soma Kobal 14:21; Is 45:18; Kub 21:1-4.

j) Katonda ye kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo. Soma Mat 3:17; Luk 1:31-35; Beb 1:2-5; 1 Peet 1:3.

3. OMUNTU

3.1 OMUNTU YATONDEBWA ATYA?

Okudamu: Omuntu yatondebwa mukifananyi kya Katonda. Omusaja eyasooka yatondebwa muttaka munfufu yensi. Katonda n'amufuwamu omukka ogw'obulamu munyindo, omuntu nafuuka omulamu. Oba naba omukka omulamu. Soma Lub 1:27; Lub2:7.

3.2 BAIBULI EYOGERAKO NTI OMUNTU YAVA MUNSOLO?

Okudamu: Nedda. Baibuli etubulira bulungi nti omuntu eyasoka ye Adamu ne mukazi we Kaawa, era abasajja bona n'abakazi bava mubbo. Soma Lub 1:27; Lub 3:20; Mat 19:4; Bar 5:12.

3.3 BAIBULI ETUBULIRIRA ETYA EKITUFU NTI BULI MUNTU YENNA AFA?

Okudamu: Adamu yajjemera Katonda. Kale nga ekibonerezo kya Katonda nafa. Era ekibonerezo kino ekya Adamu. N'olwekyo mu kuyita muye ffena tubera bajjemu eri Katonda. Soma Lub 3:1-19; Bar 3:9-10; Yer 17:9; Mark 7:21; Bar 5:12.

3.4 EKIBI KYEKI?

Buli lwetumenya erimu kuteeka lya Katonda, tuba twononye. Era kiba kibi. Oyinza obutakiwozaako nti oyononye oba oli mukwonona. Soma 1 Yok 3:4; Leev 4:27.

3.5 OKUFA KYEKI?

Okudamu: Okufa kwaja olw'obujemu. Soma Lub 2:17; Bar 6:23; Ez 18:14.

3.6 KIKI EKIBA KUMUNTU NGA AFUDDE?

Okudamu: Omuntu bwafa aba afudde. Era oyo afudde abeera takyategeera takola kintu kyona, talina na kyawulira. Aberanga omuntu eyebase nga tayinza na kuloota. Soma Zab 6:5; Zab 49:12,14,20; Zab 146:3-4; Mub 9:5-6; Yok 11:11-14.

3.7 EMEME YANGE ERIBERAWO OLUVANYUMA LWANGE OKUFA?

Okudamu: Nedda Baibuli teyogerako kumwoyo ogutaffa. Ekozesha ekigambo mwoyo, ku kintu kyona ekirina omukka, ebye nyanja, ensulo, enyonyi, ku bibuka oba muntu. Baibuli etuyigiriza nti ememe eyonona elifa. Soma Kubal 31:28; En 18:4,20; Zab 89:48.

3.8 WALIWO ESSUBI LYONNA KUBULAMU BWETULIMU BUNO?

Okudamu: Yee. Naye mu Kristo Yesu yekka. Yawangula byombi ekibi n'okufa. Bwalidda nate kinsi abantu balizukira ne ba salirwa omusango. Abakola byayagala baliwebwa ekirabo bw'ebulamu obutagwawo mu bwa Kabaka bwe. Soma 2 Tim 1:10; 1 Kol 15:21-23; Dan 12:2-3; Yok 5:28-29; Mat 25:31-34.

4. MAGOMBE

4.1 EKIGAMBO KINO KITEGEZA KI?

Ekigambo kino emirundi mingi w'ekirabikira kitegeza magombe. Era ne Yesu yenyini bw'eyafa bamuteeka mu ntaana. Era n'ebweyazukira yava mu magombe. Soma Ez 32 27-29; Bik 2:25-31.

4.2 NAYE EKIGAMBO KINO MAGOMBE YESU TEYAKYOGERANGAKO NGA EKIFO KYOMULIRO ERA EKY'OKUBONYABONNYEZEBWAMU?

Okudamu: Yee. Emirundi mitono nyo yakozesa ekigambo ekyo. Endagaano empya yawadikibwa mulu Greek, kati ekigambo ekyo Yesu kye yakozesa bw'olaba Mak 9:43-49 ne Mat 10:28 kitegeza geyena. Kwe kugamba nga lino linya lwakifo ekiri kensi. Kyali kinnya wabweru wa Yerusalem w'ebayochera nga ebisubi, nga omuliro gwamu teguzikira. Kati wano Yesu yali ategeza nti Katonda agenda kuzikiriza abononyi nga bwolaba omuliro mugeyena bwe gwokya ebisubi negutazikira. Kwe kugamba yali ayogerera mu lugero nga okusomesa kwe bwe kwali.

5. YESU KRISTO - OMULOKOZI

5.1 YESU KRISTO YANI?

Okudamu: Yesu Kristo ye mwana omwagalwa owa Katonda. Teyalina kitaawe musajja, naye yazalibwa namanyi ga Katonda gwe mwoyo Mutukuvu. Katonda yakola ekyewunyo ku muwala emberera okufuna olubuto. Soma Luk 1:32, 35; Mat 1:20-25; Mat 3:17; Yok 1:49; Yok 10:36.

- b) Yesu yakula mungeri emu nga omuntu yenna bwakula yalumwa enjala, enyonta ya muluma, yakaba, yabonyabonyezabwa era naffa. Soma Beb 2:17; Luk 2:52; Is 53:3; Yok 11:35 ne Yok 19:33.

5.2 OMULIMU GWA YESU OMWANA WA KATONDA GWALI KI?

Okudamu: Okulaga ekitibwa kya kitaawe Katonda eri ensi mungeri nti buli muntu yenna amutegeere. Soma Yok 1:18; Yok 12:45; Yok 14:9; Yok 17:6,26.

- b) Okulaga ebirungi n'emigaso gya kitaawe, gamba nga; obutukirivu, omutima omulungi n'omukwano. Soma Yok 1:14-17; Bar 3:24-26.
- c) Okulaga abantu ffena omukristayo omulungi bw'alina okweyisa n'obuwombefu. Soma Luk 22:42; Yok 5:30; Yok 8:28.
- d) Okubulira enjiri. Soma Luk 4:18; Luk 9:6; Luk 20:1.

- e) Okutuffirira. Soma Yok 10:11, 15; Bik 2:23.
- f) Okutukomyawo eri Katonda. Soma Bef 2:16; Bar 5:10; Yok 14:6.

5.3 MUKAMA WAFFE YESU ATUKOMYAWO ATYA ERI KATONDA?

Okudamu: Tulinga, abaana abadduka okuva ku kitaabwe. Twayawukana ne Katonda olw'ebibi byaffe. Kale Yesu atuza eri Katonda mu bulamu bwe obw'amazima mungeri gye yatuffirira ku musalaba. Kuba yazalibwa Malyamu. Yesu muntu nga ffe. Naye yazalibwa n'amanyi ga Katonda omwoyo Mutukuvu, mwana wa Katonda, kale n'olwekyo abeera muwolereza wa Katonda eri abantu era wa bantu eri Katonda. Baibuli emuyita muwolereza. Yesu naye yakemebwa nga nafe bwe tukemebwa. Naye obutenkana naffe teyaggwa mukibi. Yagondera amateeka ga kitaawe era n'okusingira ddala okwewayo okuffira kumusalaba, ku lwebibi byaffe. Bw'etukiriza mumazima omulimu gwa Yesu guno, netulaga okukiriza kwaffe mukubatizibwa, Katonda atusonyiwa ebibi byaffe era n'atuyiti bwa abaana be. Soma Beb 2:14; Bab 2:17-18; 1 Tim 2:5; Beb 4:15-16; 2 Kol 5:21; Bar 8:2-4.

6. YESU KRISTO OKUZUKIRA KWE

6.1 MUKAMA WAFFE YESU BWEYAFFA KIKI EKYAMUTUKAAKO?

Okudamu: Yazikibwa, naye kulunaku olw'okusatu Katonda namu zukiza nga mulamu mubaffu. Aberewo emirembe ne mirembe. Soma Mat 27:57-60; Mat 28:1-7; Bar 1:4; 1 Kol 15:3-4,20; Kub 1:18.

6.2 LWAKI KINO KYALIWO?

Okudamu: Kubanga teyayonona, teyandifunye mpeera yakibi, kubanga empeera y'ekibi kwekuffa nga Baibuli bw'ekiyita kale Katonda yamuzukiza mubafu. Soma Bar 6:23; Bik 2:24; Baf 2:8-11.

- b) Mu kuzukiza Yesu mu bafu, Katonda yalaga nti era ajjakuwa ekirabo eri abo bona abagoberera Yesu mu mazima. Bw'etuteka okukiriza kwaffe mu Kristo era ne tufuba nyo okukola ebiragiro bye nokumugoberera. Naffe alituzukiza mu baffu ku lunaku o'lwekomerero. Soma 1 Kol 15:21-23 ne 2 Kol 4:14.

7. YESU KRISTO OKUGENDA KWE MUGGULU

7.1 LWA KI MUKAMA WAFFE YESU YAGENDA MUGGULU?

- a) *Okudamu*: Ennaku amakumi ana bw'ezayitawo nga azukidde mu baffu, y'azukizibwa ku manyi ga Katonda aliwaggulu. Katonda n'amufuula owa waggulu enyo okusinga omuntu yenna, era n'asingako ne bamalayika nga kye kitonde ekirina obulamu ekyokubiri muggulu ne kunsi. Soma Beb 1:3-4; Baf 2:9-10; Kub 5:12-13.
- b) Yesu Kristo ye kabona yekka owa Katonda, kululwe okusaba kwaffe kuwulirwa Katonda. Era naye nga atusabira Katonda. Soma Bar 8:34; Beb 4:14-15; Beb 7:24-27.

8. YESU KRISTO OKUDDAKWE KUNSI.

8.1 TUMANYI TUTYA NGA YESU KRISTO ALIDA KUNSI?

Okudamu: Kubanga Katonda yasubiza mundagaano enkadde. Soma Zab 110:1-2; Dan 7:13-14.

- b) Kubanga Mukama waffe Yesu yasubiza abayigirizwa be nti ndidda. Soma Mat 16:27; Kub 22:12.
- c) Ba malayika ba Katonda bakyogera. Soma Bik 1:11.
- d) Abayigirizwa bakisomesa. Soma Bik 3:20-21; 1 Bas 4:16.

8.2 ALIDDA DDI?

Okudamu: Olunaku Katonda lwe yamutegekera amangu ddala nga lutuuse. Soma Bik 17:31; Bar 2:6,16.

8.3 KINO TUKITEGGERA TUTYA?

Okudamu: Soma Luk 21:24-27 olabe obubonero bwo'kuddakwe Yesu bwe butukirira mu biro ebiriwo kati. Aba Yudaaya baddayo munsi y'abwe Israel. Era ne Yerusalem y'enyini tekyali matwale ga bamawanga, Luk 21:24. Waliwo obubenje, okuya, ebikolwa ebitali bya Katonda kunsi mungeri eya waggulu enyo (v25-26) okujako nga Yesu akomawo mangu, omuntu aija kwetta y'enyini. Oba okwetta boka na boka. Soma Mat 24:36-41; 2 Tim 3:1-4; Ez 37:21-28.

EKYOKUYIGA: Emyaka nkumu egiyisewo nga tewali gwanga lya Israel. N'ettaka lya Israel lyali lya ba Walabu abayitibwa Turkish nga aba Israel balimu batono. Naye kati aba Israel bamanyi balina kati abantu nga obusirivu busatu. Kano ke kamu ku bubonero obulaga nga obwa Kabaka bwa Katonda buli kumpi. Soma Yer 30:3, 21-22, 24: Ez 36:24-28; Ez 37:21-28.

9. YESU KRISTO - OBWA KABAKA OBUGENDA OKUJJA

9.1 YESU KRISTO YAZALIBWA KUBEERA KABAKA?

Okudamu: Yee. Yesu yazalibwa nga Kabaka wa ba Yudaaya. Nga adamu Pilato ya yogera nga Kabaka. Era ne lweyaffa Engule kumutwe gwe kwaliko nti YESU KABAKA WA BA YUDAAYA OMUNAZALESI. Ajja kuba Kabaka wa ba Kabaka. Soma Mat 2:2; Yok 18:37; Yok 19:14; Zab 72:11; Kub 19:16.

9.2 YESU KRISTO ATANDIKADDI OKUFUGA ABA YUDAAYA?

Okudamu: Bw'alikomawo nate. Soma Mat 19:28; Luk 19:11-12,15.

9.3 YESU KRISTO ALIFUGIRA WA?

Okudamu: Alituula kuntebe ya jjajja we David mu Jerusalem. Soma Luk 1:32; Is 9:6-7; Mat 5:35; Zek 6:12-13.

9.4 YESU KRISTO ALIFUGA BA YUDAAYA BOKA?

Okudamu: Nedda. Israel yensi erisooka, naye nga'genda kufu ga wonna kunsi. Soma Yer 23:5-6; Zab 72:8; Is 2:3-4; Zek 14:9.

10. OBWAKABAKA BWA KATONDA.

10.1 KATONDA YALI ABADEKO NO'BWAKABAKA KU NSI?

Okudamu: Yee. Obwa Kabaka bwa Israel bwali bwa Kabaka bwa Katonda. Yesu bwalidda agenda kuzawo obwa Kabaka buno nate. Naye nga bugenda kubuna ensi yonna. Era nga bujja kubanga busingako buli obwaliwo kulubereberye. Soma 1 Kol 28:5; 2 Byom 13:8; Ez 21:25-27; Luk 1:32-33.

10.2 BANI ABALIBEERA MU BWAKABAKA BWA KATONDA?

Okudamu: Bwe tukiriza Katonda bye yasubiza era ne tukola byayagala, Yesu alitufula abantu abataffa nga akomyewo omulundi ogw'okubiri. Era tulifugira wamu naye mu bwa Kabaka obwo. Abantu ba bulijjo abalina omubiri guno baliwonyezebwa munaku ezenkomerero. Era nabo bali bera mu bwa Kabaka bwa Katonda. Bali abalifuna, obutaffa buli abakwata amateeka ga Katonda. Soma Mat 19:27-29; Luk 19:15-19; Kub 5:10; Kub 20:6; Is 65:20-22; Zek 14:16-18.

10.3 OBULAMU BULIBERA BUTYA MU BWAKABAKA OBUGENDA OKUJJA?

Okudamu: Abantu abalisangibwa nga balamu, baligenda mu maso nga bulijjo, balirima emeere y'okulya era obulamu bw'abwe buliba bulungi nyo okusingako olubereberye. Balisinza Katonda n'amazima n'okukwata amateeka ge, Katonda agenda ku bawa essanyu n'okubawonya endwadde zabwe. Entalo, obukyayi nga

tebikyaberawo. Naye waliyitawo ekiseera kinene walibawo nate okuzukira o'kwokubiri n'okusala omusango. Abalisangibwa nga bagondera amateeka ga Katonda baliwebwa obulamu obutagwaawo. Soma Is 2:3-4; Is 11:19; Is 35; Zab 72; 1 Kol 15:24, 28; Kub 20:12-18; Kub 21:4.

10.4 OBWAKABAKA BWA KATONDA BUNO BUTEKEBWATEKEBWA KATI?

Okudamu: Obufuzi obuliwo kati kunsi, tebugenda kubeera bwa Kabaka bwa Katonda okutuusa Yesu bwalidda kunsi (Dan 2:4; Dan 7:27; Kub 11:15-18). Naye nga Katonda yafuga ebitonde bye n'ebyo byonna ebyomunsi (Zab 104:1; Dan 4:17). Wabula emirembe gyonna Katonda ayita abantu okujja munyumba y'obwa Kabaka obugenda okujja (Bik 15:14; 1 Peet 2:9; Kub 1:6). Abantu balina okukiriza enjiri yobwa Kabaka bwa Katonda, nga bayita mu kubatizibwa ne bewayo eri Katonda n'eri Kristo Yesu nga Mukama waffe. N'olwekyo olina okukiriza n'omutima gwo nti Kristo ye Mukama waffe (1 Peet 3:15). Mungeri eno eby'okulwanyisa ebyo bwa Kabaka bwa Katonda bitekebwatekebwa nga twetegekera okujja kwa Mukama waffe Kristo.

11. ENJIRI

11.1 ENJIRI KYEKI?

Okudamu: Enjiri kitegeza amawulire amalungi agakwata ku bwa Kabaka bwa Katonda era nengeri gye tuyinza okunonya obulokozi mu bwa Kabaka obwo. Soma Luk 8:1; Mak 1:14; Mat 4:17; Bar 1:16.

11.2 YESU KRISTO YEYASOOKA OKUBULIRWA ENJIRI?

Okudamu: Nedda. Enjiri ya bulirwa Ibulayimu eyaliwo emyaka 2,000 nga Yesu Kristo tanazalibwa. Soma Bay 3:8.

11.3 BIKI KATONDA BYEYASUBIZA IBULAYIMU?

Okudamu: Yamuwa amawulire amulungi agenjiri (Bag 3:8).

- b) Yamugamba nga Ibulayimu aliba taata wamawanga amanene omuliba abantu abangi ne ba Kabaka bangi era ye yaliba entadikwa yemikisa. Soma Lub 12:2; Lub 13:16; Lub17:4,6).
- c) Katonda yamusubiza Ibulayimu nti Ensi zona ziriwebwa omukisa muye neri omwana we (Lub 12:3; Lub 22:17-18).
- d) Yakola endagaano ne Ibulayimu eyokusikira ensi ye Kaanani emirembe ne mirembe nga azukidde mubaffu. Soma Lub 13:14-17; Lub 15:7,12; Lub 17; Lub 17:8; Bik 7:5; Mak 12:26-27; Beb 11:8-9,39-40).
- e) Yamusubiza nti muzadde lye omwana (Kristo) alifuga era alitwala ensi ye Kaanani neri abalabe be emirembe ne mirembe . Soma Lub 12:7; Lub 22:17; Bag

3:8,16,29). Ebisubizo bino era babisubiza ne Isaaka ne Yakobo nga balanga okujja kwa Yesu. Soma Lub 26:2-4; Lub 28:3-4,13-14).

11.4 KATONDA YASUBIZA KI KABAKA DAUDI?

Okudamu: Nti aliba n'omwana Owenjawulo nga taata we aliba Katonda yenyini. Soma 1 Byom 17:11-12.

- b) Alinyweza ebisubizo bye mu mwana oba mu muzukulu we ye Kristo (Bik 2:30, Agenda kutuula ku ntebe ya Daudi (Zeb 9: 28,34-36; Zab 132:11).
- c) Kristo aliba omununuzi omulungi (2 Sam 23:3-5).
- d) Nti enyumba yobwakabaka bwa Daudi eriba nyumba eye kitibwa yokusizamu mu Zion (1 Byom 17:10,12,16; Zab 132:2-3; Is 2:2-3).

12. OKUZUKIRA OKUSALA OMUSANGO N'OBULAMU OBUTAGWAWO

12.1 BAILBULI ETEGEEZA KI BWEYOGERA KUKUZUKIRA?

Okudamu: Abantu abatu okuzukira mubafu ne badda okuva mu magombe nga balamu. Nga mukama waffe Kristo bwuya zukira mubafu. Soma Kub 1:5; Bak 1:18; Bik 26:23 ne 1 Kol 15:20).

12.2 OKUZUKIRA KULIBAWO DDI?

Okudamu: Yesu bwalikomawo kunsi (1 Bas 4:16; Yok 5:28-29; 1 Kol 15:23).

12.3 ABANTU BALIZUKIRA NOMUBIRI OGUTAFA?

Okudamu: Nedda. Balizukira nomubiri guno ogugatta omubiri no musayi mu maso ga Kristo oyo agenda okusala omusango. Agenda kusalawo oyo asanidde okufuna obulamu obuta gwawo noyo atasnidde. Soma Bar 14:10; 2 Kol 5:10; 1 Peet 4:6; Dan 12:2; Kub 20:11-15).

12.4 BULI YALI ABADDEKO KUNSI NAFFA, ALIVAAYO MUMAGOMBE OKUWOZESEBWA NE KRISTO?

Okudamu: Nedda. Abo bokka abayigako ebikwata kunjiri era nga kibagwanira okugiyiga no kugoberera Kristo. Soma Yok 12:48; Mat 18:18-19; Mat 25:14-30; Bar 2:12,16.

12.5 KIKI EKIRIBA KWAABO ABALISIGALA EMAGOMBE?

Okudamu: Tebaliva mumagombe gabwe, era balisigala nga bafu emirembe ne mirembe. Soma Zab 49:20; Nge 21:16; Is 26:14; Is 43:17.

12.6 KIKI EKIRIBA KUBANTU ABALISAANGIBWA NGA BALAMU MU KUDDA KWA MUKAMA WAFFE?

Okudamu: Abo abalitukana n'okusalirwa omusango balikunganyizibwa ne bamalayika okusisinkana Kristo, Bali banga bali abakava emagombe mubafu, awo balyoke basalirwe omusango. Soma 1 Kol 15:51; 1 Bas 4:16-17; Mat 25:31-32.

12.7 KIKI EKIRIBA KWABO ABANTU ABALISANGIBWA NGA BAKOLA BULUNGI ERI MUKAMA WAFFE?

Okudamu: Baliwebwa obulamu obutaggwawo, bwe bagenda okumala kensi kuno mu bwa Kabaka bwa Kristo. Soma Dan 12:3; Mat 25:20-21,34; Dan 7:27; Kub 5:10; Mat 5:5.

12.8 BAIBULI ESSUBIZA OMUKRISTAYO YENNA OKUGENDA MU GGULU?

Okudamu: Nedda. Nga bwetulabye, Baibuli essubiza buli eyagonda nakola ebirungi nagoberera Yesu agenda kubera kensi emirembe ne mirembe. Era Baibuli etulaga nga tewali yali alinye mugulu okujako Yesu (Zab 115:16; Bik 2:34; Yok 3:13).

EKYOKUYIGA: Waliwo obunyiriri mu Baibuli bwo butunulira oyinza okulowoza nga butegeeza kugenda mugulu. Naye kikwetagisa okwetegereza Baibuli bulungi nga nagoberera obunyiriri obulala obukuweredwa mu Baibuli. Katugeze nga munyumba ya kitange mulimu ebiro bingi ekiri mu Yok 14:2 yali tategeeza\ mugulu. Enyumba ya Katonda ye kanisa y'omwoyo era nabakiriza bona babera amayinja amalamu okuzimba enyumba eyo eyawagulu (1 Peet 2:5). Nolwekyo enyumba Yakatonda ebeera kensi, Nolwokino Yesu Kristo ye kenyini agamba nti (Yok 14:3) Ndidda nate mbatwale gyendi mubeere nange.

12.9 KIKI EKIRIBA KWABO ABALIGANIBWA MUKAMA WAFFE KRISTO?

Okudamu: Kristo alibasinza omusango. Abaliba abaagumikiriza nga bayingira mu bwa Kabaka, Naye abagaana balibegalira ebweru. Enkomerero yabwe yakudda mu magombe. Era kuno kwekuwa okwokubiri kwe bogerako mu: Kub 2:11; Kub 20:14 abo tebalizukira nate. Soma Luk 13:28; Mat 22:13; Mat 25:46; Zab 145:20.

12.10 LWAKI OBUNYIRIRI OBULALA MU BAIBULI BUTUGAMBA NTI ABO ABALIGANIBWA BALI BASUULA MUNYANJA Y'OMULIRO?

Okudamu: Kub 20:14 etubulira nga enyanja yomuliro tewali njawulo n'okuffa okw'okubiri. Abantu bakoozesu omuliro kwokya ekintu kyona ekibi naye Katonda yayogereranga mungero. Nga kyeyali ategenza nti abo abalisangibwa nga tebesaana bagenda kufa.

13. MWOOYO MUTUKUVU

13.1 MWOOYO MUTUKUVU KYEKI?

Okudamu: Mwoyo mutukuvu (gemaanyi ga Katonda) olw'amaanyige yatonda ensi. Olw'amaanyi ago Katonda yasobola okuzaala mukama waffe Yesu. Olwamaanyi ago banaabi n'abayigirizwa basobola okuwandaka Baibuli. Kulwamaanyi ago alizukiza abafu nga Yesu akomyewo omulundi ogw'okubiri. Amanyi gano bagayita omwoyo mutukuvu. Nga gakola emirimu gya Katonda mu bantu be. Soma Luk 1:35; Luk 24:49; Bik 1:8; Lub 1:2; Yob 33:4; Zab 104:30; Yer 32:17; 2 Peet 1:21; Zab 139:1-4; Bar 8:11; Bik 7:51.

13.2 BIRABO KI EBY'OMWOOYO MUTUKUVU?

Okudamu: Mwoyo mutukuvu gemaanyi ga Katonda agenjawulo, geyawa abantube oluvanyuma wa banaabi. Olw'amaanyi gano abantu b'enjawulo bayuna omwoyo wa Katonda nebogera ebya Katonda, ne bawandika era ne bakola ebya magero. Ebyamagero bino bya kolebwa abantu nga banaabi, Abayigirizwa era n'okuwonya n'okwogera munimii nga omuntu tasose kuluyiga. Omwoyo ono yayamba nyo ku kanisa mubiseera ebyakabi. Mungeri biri omwoyo mutukuvu yakola mu bantu, Enjiri ya Katonda ne yeyongera nyo okubulirwa munimi wona wona we bagendanga namaanyi. Ekyokubiri: Bakakasa byebabuliranga, n'ebakola eby'amagero olwomwoyo mutukuvu. Ekanisa za tondebwa, Enjiri n'ewandikibwa. Mundagaano enkadde abantu nga Musa, Eliya ne Elia nabalala balinanga omwoyo wa Katonda. Naye wabula Paulo atugamba nti ekiseera kirituka amaanyi gano nga tegakyakola muffle, nga bwe kyaliwo mulubereberye. Omwoyo yaliwo okugasa, okuwandika Baibuli, okugasa mukanisa kyova olaba nti kati tewakyaliwo bantu babeera n'omwoya ono. Naye mukama waffe Yesu bwalidda. Abantu ba Katonda baliwebwa omwoyo oyo. Soma Bik 2:1-17; Yo 2:28-29; 1 kol 12:7-11; Bar 15:18-19; Zab 105:26-27; 2 Bassek 2:9-15; 1 Kol 13:8-11 ne Beb 6:4-5.

13.3 ABANTU ABEFUULA OKWOGERA MUNIMI N'OKUKOLA EBYAMAGERO MUNAKU ZINO TUBAYITE TUTYA?

Okudamu: Basomesa bulimba, abatakolera kumaanyi; ga mwoyo mutukuvu owa Katonda. Era okusinga belimba bokka nti balina omwoyo wakatonda. Balinga endda mundagaano enkadde, walingawo abeyitanga abagezigezi (abalaguzi) mubiseera bya Musa, ne mukuja kwa Yesu ne kubayigirizwabe. Soma Kuv 7:11,12,22; Luk 11:19; Bik 8:9-11; Mat 24:24.

13.4 OMWOOYO WAKATONDA AKYALINA AMAANYI MUNAKU ZINO?

Okudamu: Yee. Kuba abo abalokoka abassajja n'abakazi neri abo ababulira bayabibwako omwoyo wa Katonda era ye bulamu (Yok 6:63). Ekigambo kya Katonda bwekyetaba mu mutima gwo mukiriza, abeera omuntu, oba ensigo etawotoka nga afunye emikisa gya Katonda emingi okuyitta mukubatizibwa. Soma 1 Peet 1:23-25; 1 Peet 2:13).

Olw'ekyo tuyingira mu bulamu bw'omwoyo nga kitegeeza nti tusa kimu ne Katonda. Era nga tusabanga nga tuyita mu Yesu Kristo, netulyoka tufuna amaanyi mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. Nga twewombekanga okugondera okukola nga amateeka ge bwegali. Soma Beb 2:18, Beb 4:16, Bar 8:26-28. Katonda yatusubiza obutatuleka ova oku twerabira (Beb 13:5-6)

14. BAMALAIKA

14.1 BAMALAIKA KYEKI?

Okudamu: Ba malaika bebabaka ba Katonda abataliko ntadikwa. Bamalaika bawonya Ibulayimu, Isaaka na Yakobo. Bamalaika balabula luuti kubusungu bwa Katonda Bwe yali nga agenda okuzikiriza Sodoma. Malaika wa Katonda yawa Musa ebiragiro. Bamalaika baabuliraabantu okuzalibwa kwa Mukama waffe Yesu neri abalanzi. Bamalaika abatalabika bakooma abantu ba Katonda era nga baliyamba ku Mukama waffe Yesu bwalidda okulamula ensi. Soma Luk 20:36; Zab 103:20; Bik 7:38; club/ 19:1; Luk 2:9; Zab 34:7; Mat 18:10; Luk 22:43; Mat 24:31 ne 2 Bas 1:6-10.

15. EKIBI SETAANI N'OMULYOLYOMI.

15.1 EKIBI KYEKI?

Okudamu: Buli lwomenya erimu kuteeka lya Katonda ova oyononye (1 Yok 3:4).

15.2 KIKI EKIRETERA OMUNTU OKWONONA?

Okudamu: Okwonona kiva mumuntu, gwe mwenyini mubirowoozo byo. Kale n'olwekyo twonona olw'okyegomba kwomubiri. Omutume Paulo yakwogerako nti eteeka lyekibi eriri mumubiri gwange. Omuntu okemebwa nga wewadeyo eri ekibi ekiri mumubiri gwo. Soma Yak 1:14-15; Mak 7:21-23; Yer 17:9; Bar 7:18-25; Bar 5:12 ne Bnge 1:10.

15.3 OMULYOYOMI KYEKI?

Okudamu: Omulyoloyomi lulinga lugero. Obunafu bwemibiri gwaffe buleta okufa. Omuntu yena atakyuka, tasanyusa Katonda era omuntu ngoyo yemulyolyomi. Nabantu abononyi mungeri yemu babayita balyolyomi. Soma Yok 6:70; Yok 8:44; 1 Yok 3:8; Kub 2:10.

15.4 KIKI EKITUBERAKO SINGA TWEWAYO MUKWEGOMBA KWE MIBIRI. NETUBERA NGA TWONONA BULI SAWA?

Okudamu: Ofa. Baibuli eyogera nti omulyolyomi oba (setaani) nokwewayo eri okwegomba kwomubiri, kye kilina amaanyi gokufa. Soma Bar 6:23; Beb 2:14.

15.5 MUKAMA WAFFA YESU YAZIKIRIZA ATYA OMULYOLYOMI?

Okudamu: Baibuli etugamba nti Yesu mukufa kwe yazikiliza oyo eyarina amaanyi gokufa ye mulyolyomi (setaani). Awo nekitegeza nti siwakitaro nga akyaliwo neleero. Yesu yalina omubiri nga naffe gwetulina. Era yakemebwa mungeri yemu nga naffe bwetukemebwa. Awo olaba nga Yesu Kristo yalina okulwana namaanyi okuwangula oyo eyalina amaanyi gokufa. Tewali n'olunaku n'olumu lweye wayo eri okwonona. Kale oyo eyalina amaanyi gokufa natamusobola. Okuvu Yesu Kristo lwe yazukizibwa mubafu, Yeyabazibwa omubiri ogutafa era nga takyayonona wadde okukemebwa (Beb 2:14; Beb 4:15; Bar 6:6-10; 1 Yok 3:8).

15.6 SETAANI KITEGEZA KI?

Okudamu: Setaani kigambo kyaluyonani ekitegeza omulabe. Endagaano enkadde yawandikibwa muluyonani. Abamu bayita setaani nti mulabe wo oba oyo akuletera okwonona. Ate awalala mu Baibuli erikozesa nga erinya. Olumu Peetero yawakanya Yesu, Yesu namugambi nti nva mumaso gwe setaani.

Okwegomba kwomubiri yemulabe wa Katonda neriffe abantu. Kale kyovude olaba nga mundagaano empya mulime ekigambo kino emirundi mingi era nga omwononyi yena yena ayitibwa setaani. Soma Bik 5:3-4; 1 Bas 2:18; Mat 16:23 ne 1 Tim 1:20.

EKYOKUYIGA:- Waliwo obunyiriri mu Baibuli obuyigiriza nti setaani kye kintu ekiretera omuntu okwonona. Kiva mutesayo mwoyo kubyosoma. Katugamba nga ekigambo lucifer (Is 14:12) munyenye yenkya simalaika naye mwononyi. Yali kabaka we babuloni eyali omusajja omubi enyo era yali yeyita wawagulu ny.

Gezako okusoma esuula yona n'okutandikira kulunyiriri olwokuna era soma ne Ez 28:14 yali naye ategeza kabaka we tuulo. Kukanyiriri v12 kukomerero.

16. OMULYOLYOMI NE'MWOYO EMIIBI

16.1 OMULYOLYOMI NE MWOYO EMIIBI KYEKI?

Okudamu: Mu Baibuli mundagaano enkadde obulwadde byona tugambe nga omuntu alwadde nga, omusujja gamba nga omulwade owo owensimbu, babayitanga nti baliko Dayimoni oba omwoyo omubi. Era omuntu oyo bweyawonyezabwanga bagambanga nti bamujeko dayimoni oba omwoyo omubi. Soma 1 Sam 16:14; Mat 8:16-17 ne Mat 12:22.

16.2 ABATALI BA KRISTAYO BAKIRIZA NGA OMUZIMU WE GULI. NAWE OMUKRISTAYO KIRUNGI OBENGABBO?

Okudamu: Nedda. Amakanisa agamu babulira ebiri bwebityo naye nga sikitufu. Baibuli teyigiriza bwetyo. Baibuli etubulira nga Katonda ye Mukama nobutonzi. Tewali mwoyo mulamu okujako:- Katonda, Mukama waffe Yesu ne Bamalaika ba Katonda. Nga bwetulabye nga ebigambo ebimu byayogerwa mungero. Era nga kyewandiyise nga okwegomba kwomubiri. Soma Is 45:5-7; Am 3:6 ne Mat 6:10.

17. EKUBBO LY'OBULAMU OBUTAGWAWO

17.1 BWE NJAGALA OKUBERAI MU BWAKABAKA OBUGENDA OKUJJA NINA KUKOKA EYI?

Okudamu: Olina kukola ebintu bino:

- a) Olina okukiririza mu Baibuli byebulira, no mutima gwo gwona. Kino kisoboka nga onyikira okugisoma buli lunaku. Soma 2 Tim 3:14-17.
- b) Olina okwenenya, okirize nga oli mukozi wa bibi. Oyagala Katonda akusonyiwe ebibi byo era nga omusubiza Katonda nti ojja kumuwereza mu bwenkanya mu bulamu bwo bwona bwona bwakuwa Mukama Katonda wo. Soma Bik 3:19.
- c) Olina okubatizibwa. Soma Bik 2:38-42.
- d) Olina okumala ebbieerabyo byona nga okwatanga era okolanga ebiragiro bya Mukama waffe Yesu Kristo. Soma Bar 2:7.

18. OKUBATIZIBWA

18.1 OKUBATIZIBWA KYEKI?

Okudamu: Okubatizibwa kitegeeza okuunyiika. Era nga kitugwanira okuunyiikibwa wenna mumazi. Soma Mat 3:13-17; Mak 1:9-10; Yok 3:23 ne Bik 8:36-39.

18.2 OKUBATIZIBWA KITEGEEZA KI?

Okudamu: Kiregeeza ebinto bingi:

- a) Kitulaga nga Yesu yafa nazukira mubafu. Era nga tuyinza okuwonyezebwa ne tulokolebwa mukufa mukuzukira kwe. Soma Bar 6:3-43.
- b) Kutuukiza nga bwetuli abononyi nga tulina okufa. Bwetubeera mamaazi, tuba nga abafudde. Soma Bar 6:5-7.
- c) Kitulaga nga Katonda bwali okekisa, ayagala oku tuwonya okufa tudde mukuzukira. Kale okubatizibwa kabonero akalaga okufa no kuzukira nga Mukami waffe Yesu bweyal. Soma Bak 2:12-13.
- d) Kitulaga nga amaazi goza negamyiriza, n'olwekyo, mu kubatizibwa Katonda atunazaako ebibi byaffe ebikaddenofuuka omwana omuto nga otambuliranga mu bigere bya Mukama waffe Yesu okutusa lwalida. Soma 1 Peet 3:21 ne Bik 22:16.
- e) Kekabonero koka akatulaga nga tuli baana ba Katonda. Era basika ku byasubizibwa Ibulayimu mu Yesu Kristo nga endagaano etalidiba emirembe ne mirembe. Soma Bag 3:26-29.

18.3 KYETAGISA OKUBATIZIBWA?

Okudamu: Yee. Mukama waffe Yesu yabatizibwa. Paulo yabatizibwa. Abo be bogerako bona abo'busika mukanisa ezasooka ba batizibwa. Okubatizibwa kabonero akalaga omuntu obuwombefu bwalinabwo kubanga Katonda alagira kubatizibwa. Soma Mat 3:13-17; Bik 2:37-41; Bik 22:13-16; Bag 3:27-29 ne 1 Peet 3:21.

18.4 OYINZA OKUBATIZIBWA NGA TONATEGERA BULUNGI NJIRI?

Okudamu: Nedda. Tulina okusooka okutegeera enjiri, ne tugikiriza olwo amangu n'olyoka obatizibwa. Soma Mak 16:16; Bik 8:12.

18.5 BAIBULI EKIRIZA OKUBATIZA OMWANA OMUTO?

Okudamu: Nedda. Omwana talina magezi kukiriza baibuli (Bik 8:12) era njagala oyige kino nti, bweba kitu zanga, abassajja n'obakazi babatizibwanga oba beyongeranga okulokoka.

18.6 KIRUNGI OKUBATIZA N'OKUYIWA AMAAZI KUMUTWE?

Okudamu: Nedda. Mukame waffe Yesu bamuunyiika nabayigirizwa bonna. Kale tukola bwetuto. Soma Mat 3:16; Bik 8:38-39.

19 OBULAMU BWOMUKULISITAYO

19.1 ABA CHRISTAYO OBA CHRISTADELPHIANS BASA KIMU?

Okudamu: Yee. Kino kiyitibwa kumenya mugati (Bik 2:42). Mukama waffe atulagira okumenya omugati nokunywa eviini buli lwe tusisinkana olwo'kumujukira. Era nga yatusubiza nga talituleka mu bafu. Tukolenga bwetu tyo okutusa lwalidda. Soma 1 Kol 11:26; Yuk 6:53-56.

19.2 LWAKI'TWETAGISA OKUMENYA OMUGATI NO KUNYA EVIINI?

Okudamu: Bwomala okubatizibwa obeera Mwana muto eyetaga okuwebwa emmere buli kaseera. Okumenya omugati kekabonero kemmere etukuvu eyo mwoyo.

- a) Okubatizibwa tugibwako ebibi byaffe, naye olwo mubiri guno gwetulimu omuntu ayinza okwonona, kale mu kumenya omugaati guno tubeera wamu mu Yesu.
- b) Mukumenya omugaati twejukanya endagaano yaffe gyetwakola mukubatizibwa, kyekiseera okujukira nga Mukamu waffe Yesu alidda nate.
- c) Ata nga kwogera okunyweza obumu bwaffe nga abakiriza. Soma 1 Kol 11:23-29; Mat 26:26-28; 1 Kol 10:16-17 ne Bik 2:42,46.

19.3 TUYINZA OKULYA OMUGAATI NO KUNYA EVIINI KULUNAKU LWONA OLWENJAWULO?

Okudamu: Nedda. Okumenya omugati bakulagira okukikolanga mu lunaku olusoka mu week. Era Yesu ye yenyini atugamba okwekumanga, naye teyayogera ku lunaku oba kisera ki naye nti buli lwe munasisinkananga. Abakristayo abasooka bamenyanga omugati ku lunaku olusooka musabiti. Lwe lwa sabiti. Era ne leero abantu bakyakuma oluna olusooka. Soma Bik 20:7; 1 Kol 11:25-26.

19.4 MULIMUKI ABOLUGANDA MU YESU GWE BAKOLA?

Okudamu: Bakungana okusomesa enjiri eyamazima enaku enddala bakungana okweyigiriza baibuli. Mukukungana kwaffe mubeeramu enyimba nga satu, okusaba kwa mirundi ebiri n'okusoma ebitundu bibiri mu baibuli.

19.5 TULINA OKUKUUMA SABBATO?

Okudamu: Nedda. Eteeka lyo'kukumanga sabbato (olwomukaga) nga olunaku olutukuvu lye lyokuna mu mateeka Katonda geyawa Musa. Naye gali omwenda gwona Yesu yagaddamu naganyweza mundagaano empya era awo nekiraga nga gamugaso eri omukristayo yena. Wabulala Yesu nabayigirizwa tebayigiriza kukuuma sabbato. Etteka lino Yesu bweyamala okufa nelivawo. Soma Okuv 20:10; Bag 5:1-4; Bar 14:5; 2 Kol 3:3-11 ne Bak 2:14.

19.6 OMUKRISTAYO ASOMA DI BAIBULI?

Okudamu: Buli lunaku bwe kibanga kisoboka. Oyo atayinza kwesomera, gezako okugenda eri owo'luganda yena akuli okumpi musomere wamu. Kubanga kiyanbako oli nakusomera nakunyonyora nga muli babiri oba basatu. Awo oli atamanyi ajja kuwu lira era ategere ebyawadikibwa. Soma Bik 17:11.

19.7 BULAMUKI OMUKRISTAYO BWEWETAGA OKUTAMBULIRAMU?

Okudamu: Omukristayo osanidde obe n'amazima, ow'ekitibwa, atatamira mwenge, ow'eddembe, ow'ekisa, omutabaganya, omwesigwa era omukozi nga wenonyeza ekyokulya. Mubulamu bwo olina okwetowaza olyoke obere omutukirivu. Abassajja n'abakazi abafumbo muberenga n'amazima. Neri abantu bona nga Yesu bweyali o wamazima era owekaza eri ekanisa. Abana mubakuzenga mukutya Katonda n'okwagalanga abazadde babwe. Soma Bar 12; Bag 5:22; Bef 4:20-32; Bef 5:1-5, 22-23; Bef 6:1-6; Bak 3:12-25.

19.8 BAIBULI ETEGEZAKI BWEYOGERA KUKUKIRIZA?

Okudamu: Kitegeeza okukiriza ebyo Katonda bye yassubiza. Ekyokulabirako Nuwa yakiriza nga Katonda alizikiriza ensi n'amataba. Nalaga okukiriza nazimba eryato. Omuntu atakiriza y'oyo atalina bwesigwa mu Katonda era atamanyi nga Katonda alikuma endagaano ye. Awo olinga agambo nti Katonda mulimba, omuntu asubiza natakola. Okukiriza kyamuwendo mungi ku mukristayo. Bwe tukiriza nga ebibi

byaffe binazibwa Kristo. Kale twolesa okukiriza kwaffe mu kubatizibwa. Bwe tukiriza nga Katonda alikomyawo Yesu Mukama waffe ensi ejule ekitibwa kye. Tulina okulaga okwagala kwaffe nga twetekateka mu mitima gyaffe okujja kwe okw'okubiri era nga tusaba buli lunaku. Sikyangu kubeera mukristayo nga tolaze kukiriza. Soma Beb 11:6-7; Yak 2:21-26; Bag 3:6-9; 1 Yok 5:10 ne Bef 2:8.

19.9 OMUKRISTAYO KIKWETAGISA OKUSABA BULI LUNAKU?

Okudamu: Yee. Katonda ayagala ffe okumusabanga obutayosa nga kyetagisa okumusaba buli kaseera. Yesu yatugerera akagero nti nyikiranga, mu kusaba obutagwa. Omukristayo bwa tasaba mangua'ago nga oyawucana ne Katonda. Olumu Yesu yakesanga obudde nga asaba Katonda. Kate naffe okusaba kibeere nga kikulu nyo eri obulamu byaffe. Yesu Kristo ye mutabaganya waffe era kabona asinga obukulu eri Katonda. N'olwekyo tusaba Katonda nga tuyita myye. Soma Luk 18:1; Mat 6:5-13; Luk 6:12; Yak 5:16; Beb 10:19-22; Bar 12:12; Bik 2:42; Kub 5:8.

19.10 OMUKRISTAYO KIRUNGI OKULWANA NOYO AKUSOBEZAAKO?

Okudamu: Nedda. Mukamu waffe Yesu yali yetoloddwa abazigu, oluvanyuma abamuta, naye tewali nomu gwe yakolako kabi. N'olwekyo naffe kitugwanira okukola bwe tutyo obutakosa muntu yena wadde mukwetaasa. Soma Luk 9:54-56; Mat 26:51-52; Mat 10:16; Mat 5:38-48; Bar 12:18-21 ne 2 Tim 2:24.

19.11 OMUKRISTAYO ASANIDE KWEYISA ATYA ERI AMATEE KA GENSI GYATUDDEMU?

Okudamu: Singa gabeera nga tegakotana na baibuli, omukristayo asanide okuwulira abafuzi era n'okukola ebiragiro. Omukristayo otekwa okuba omuwulize w'amateeka agondera abamufuga. Naye singa Government lumu esalawo n'eyisa eteeka nga likotana ne baibuli nga okisinza ebifananyi, okuyiga emundu awo nedda. Kirungi kisanyusa okugondera Katonda okusinga omuntu. Soma Bik 5:29; Tir 3:1; Bar 13:1-3 ne Luk 20:23.

19.12 OMUKRISTAYO WANDYETABYE MU BYOBUFUZI O'LWOKU YAMBA ENSI YO?

Okudamu: Nedda. Mukama waffe Yesu teyagezako n'akatono no lumu okufuga ensi ye. Yagaana abali bagala okumufula. Era yagana ekintu kyona okufuga omuntu yena. Yali amanyi nti ekiserakyte tekintatuka abeere omufuzi. Naye nga obwa kabakabwe buli mu ggulu. N'omulimu gwe gwali gwakubulira njiri eri abantu bawone. Kale tewetaba mubintu byansii. Olusi Gavumenti ezimu ziwigira abantu okugenda muntalo, oba mukuzanya enizanyo gy'esente nga amatatu, n'omweso. Oberawo ku kubulira njiri era nga ogezako okukola obulungi. Soma Yok 6:15; Luk 12:14; Yok 18:36; 2 Tim 2:4.

19.13 OMUKRISTAYO ASANIDE OKWETABA MU KULONDA KWONA OLW'OKWAGALA OMUNTU YENA MU GAVUMENTI?

Okudamu: Nedda. Bw'ogenda mu kulonda kitegeza nti oyingide mu byobufuzi. Tokirizibwa kubeera mu byobufuzi. Tumanyi nga buli mufuzi Katonda ya mukiriza era ya mulonda. Tulina okubasabira eri Katonda abongere amagezi okutufuga obulungi. Soma Dan 4:25; Nge 21:1 ne 1 Tim 2:1-2.

19.14 WALIWO OMULIMU OGUTALI MULUNGI ERI OMUKRISTAYO?

Okudamu: Yee. Wewalenga omulimu gwona gwewetagisa okukozesa amaanyi ku muntu muno. Nga abamagye ne polisi. Wewale ekifo kyona ekikwetagisa okulayira kubanga wewayo okuweleza Yesu olina akalulu kamu. Kati omuntu o'nomuwaki? Wewalanga okukola mubifo nga bino: Webakola ebwokulwanyisa, webatunda omwenge omuka, webatunda ebitabo ebi tali bya Katonda. Soma 1 Tim 5:22 ne Bas 5:22.